

2nd July 2017.

OBUNNABBI BW'EBYAFAYO EBYATUUKIRIRA.

(The prophecy of accurate history).

Danyeri 11:1 -20.

Tuli mu kitundu ekisembayo mu kitabo kya Danyeri, eky'obunnabbi obwamuweebwa Mukama, ekyatandikira mu ssuula ey'ekkumi omwaali embeera ezaleetera era neziteekateeka Danyeri okufuna obunnabbi bw'okwolesebwa obuttottolwa mu ssuula eno ey'ekkumi n'emu okutuusa mu y'ekkumi n'abbiri. Kino ky'ekitundu ekisinga okuwakanya ekitabo kya Danyeri ng'ekyaali ekituufu olw'okutuukirizibwa kw'obunnabbi bw'amu mu byafaayo byaffe mu butereevu bw'obulambukufu bw'okuweebwa, gy'obeera nti Danyeri yali mulimba oba nti Mukama Katonda teyayinza kuwa Bunnabbi nga bwe tusoma mu kitundu kino. Kyokka nga tumanyi nti ensonga enkulu emu eyandiweesezza Danyeri bino abiwandiike kwe kuba nti mu myaka mwe byasinga okutuukirizibwa oluvannyuma lw'ebyaasa ebisatu temwaali nnabbi oba okuwulirizibwa okuva eri Mukama, ekitundu mu Baibuli zaffe wakati wa Malaki ne Matayo, oba endagaano enkadde n'empya eky'emyaka ebikumi bina. Ng'ebyaaliwo ebisinga mu biro bino bisangwa mu bitabo by'Abamakabii (I&II). [Tebyatongozebwa ng'ebyawandiikibwa ebitukuvu.]

Ku lwange ky'ekitundu eky'entikko y'omulamwa omukulu gwe twayanjulwa mu ntandikwa z'emisomo gyaffe mu kitabo kino, abajjukira nga 8/1/2017 nti "Omulamwa omukulu gw'ekitabo kino kwe kuzzaamu amaanyi abantu ab'emyaka egy'enjawulo abanyigirizibwa mu nsi, nga kiwa obukakafu nti Mukama Katonda afuga emirembe n'emirembe era enteekateeka ze zibeerera emirembe gyonna, kubanga Ye mutegesi wa byonna era Ye w'obuyinza obw'enkomeredde mu bufuzi bwonna...[Kwe twayongerera nti] Kino ky'atulwa entakera mu kitabo kino, era kiragwa mu by'amagero ebiwerako, n'obunnabbi obumu ku bbwo obwaatuukirizibwa edda ku katonnyeze, ng'obw'omu ssuula 11, obusukka ku kikumi ku bbwo obwaatuukirizibwa.

Kuno era kwaali kutegeeza Danyeri eyali asaba n'okusiiba olw'ensonga nti wadde ekiragiro kyaali kiweereddwa abawaŋŋanguse okuddayo mu nsi yaabwe,

batono abaddayo era kitono ekyali kituusibbwaawo okusinziira ku kye yali alindiridde Mukama okutuukiriza, kwaali mmutegeeza nti wadde eky'emyaka ensanvu kyaali kiwedde, Isirayiri eriyisibwa mu biro bingi eby'okutukuzibwa mu kubonaabona okutuusiza ddala ku nkomerero y'ensi.

Era kwe kukkiriza kwange mu Mukama nti fenna tunaaganyulwa mu kusomesebwa kwaffe okw'obunnabi bw'ebyafaayo ebyaatuukirira, kubanga "era buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋanya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okuterezanga, olw'okubuulirira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi."

Mu lnny 1, olugamba nti....Tulaba nga Malayika Gabulyeri abadde amutegeeza ku ntalo z'abaddeko n'abalangira b'omubbanga ezimuyambiddwaako Malayika Mikayiri, nti era bwe gwaali mu mwaka ekiragirowe kyaweebwa bateebwe, kw'olwo ye yalina okuyamba Mikayiri okutuukirizibwa kw'okwagala kwa Mukama kubeewo.

Mu lw'okubiri n'okweyongerayo tusome nga bwe tulaba bwe gwalina okuba eri Danyeri mu biro ebiriggya, kyokka bwe gwaali gye tuli mu biro ebyayita edda ennyo. Lnny.2.....Okuva ku Kuulo wadda ba Kabaka basatu(mu nansonyiwa okwogera amannya gaabwe...) naye ow'okuna oluvannyuma lwabwe ye yali Kabaka Akaswero ow'omu kitabo kya Eseza, gwe yafumbirwa, era eyayitibwanga 'Xerxes I/Ahasuerus' (486-465 B.C), ow'ettutumu ennyo olw'obugaga bwe n'eggye lye erimanyiddwa ng'elyakasinga obunene mu biro eby'edda, lye yalumbisa obwakabaka bw'eBuyonaani kyokka n'alemererwa okubawangula, era oluvannyuma lwe waddawo bakabaka abalala abataatutumuka nga yye.

Lnny.3,4.....Ono ye yeesasuza obulumbaganyi bw'Abaperusi mu Akaswero n'abawangula era n'atutumuka nnyo; Alexander Omwaatiikirivu eyafuga ensi emanyiddwa mu biro ebyo yonna mu myaka 6, nga ttannaweza myaka 32, kyokka n'afa ng'alina emyaka 33 era obwakabaka bwe ne bugabanyizibwaamu ba genero 4 nga bwe twaalaba mu ssuula 8, kubanga bonsatule abandimusikidde battibwa (yalina muganda we eyali omunafu mu bwongo, ne batabani be okuli eyazaalwa ng'amaze okufa).

Ku bufuzi obuna kwe kuva obubiri obw'obukiikakkono (North), Aba Selusiidi abaafuganga Abasuuli (Syria) n'obw'obukiikaddyo (South), Aba Tolomi abaafuganga Misiri (Egypt). Baali bageraageranya ku Bu Palestayini omwaali ensi ya Isirayiri. Bano be baalina entalo wakati waabwe okumala emyaka nga bibiri, ezaayisanganyo obubi Abayudaaya kubanga ensi yaabwe yali mu kkubo lyaabwe nga bagilwaniramu era nga bagilwanira.

Nny. 5,6.....Bino kwe kwaali okufumbiza kwa Berenisi muwala wa Kabaka Tolomi II Filadelfa (285-246 B.C) eri Kabaka Antiyoka II Thiyo (261-246 B.C) basobole okuba n'omupango, kyokka eyali mukyala wa Kabaka Antiyoka omukulu bonna n'abawa obutwa ne bafa n'asikisa bba we mutabani we, Kabaka Selewuka II Kalinika.

Nny.7,8.....Mwanyina wa Berenisi bwe yasikira kitaawe, erinnya lye Tolomi III Ugate ow'eMisiri (246-222 B.C), n'alumba Abasuuli n'abanyagulula okkamala nga bwe tubuuliddwa.

Nny.9.... Mu 240 B.C. Kabaka Selewuka yagezaako okulumba Misiri kyokka n'addizibwaayo entyaagi. Batabani be ne beekunjaanya ne balumba...
Mu bufunze nny. 10-13, z'ogera ku ntalo ezaaliwo wakati w'abakabaka b'Abasuuli n'Abamisiri mu myaka egyaddirira nga Danyeri bwe yabuulirwa.....

Ennyiriri 14-16 z'ogera ku bwegugungo obwaliwo mu Isirayiri eri abaali babafuga okuva ebukiikaddyo mu Misiri kyokka ne balemwa okuwangula. Era ne wajja Kabaka w'obukiikakkono eyawangula Abamisiri n'afugira ddala ensi ennungi, yonna n'ebeera mu buyinza bwe.....

Mu nny. 17 tugambwa..... Nga bwe gwaali Kabaka Antiyoka III bwe yanyigirizibwa Abaruumi okuba n'emirembe n'Abamisiri bwe yawayo muwala we Kleopatra eri Kabaka Tolomi V (192 B.C) ng'asuubira anaamukettera bba n'asobola ommuwangula kyokka omuwala n' ayagala nnyo bba okusinga kitaawe, pulaani ze ne zigwa butaka.

Kwe kukyuuka agezeeko okuwamba Obuyonaani mu nsalosalu z'ennyanja, gye yawangulwa eggye ly'Abaruumi, abaamulagira okubawa emisolo, era bwe yali addayo mu buswaavu n'agezaako okunyagulula yekaalu y'Abaperusi ne bamutta.

Ne mutabani we eyamuddira mu bigere okusolooza emisolo naye yaweebwa obutwa n'afa, nga bwe tubulirwa mu nny.18-20.

Awo we tunaakoma leero olw'obudde, oluddako tulabe Oyo Akontana ne Kristo eyaliwo n'alibaawo okusinziira ku bunnabbi bw'omussuula eno.

Era mu kuwumba ne kiba nti mu byawandiikibwa bino byonna, wadde tuyize ebyafaayo ebiwerako, kitukakasa nti ebiseera byonna n'ebiro bibikkule eri Mukama Katonda waffe ng'ebatu z'emikono gyaffe bwe ziri gyetuli, kyokka ate okusinga ffe yeetegereza byonna n'okutusinga era ye w'obuyinza obw'enkomeredde, asinzibwenga era atenderezebwenga. Emirembe gyonna. Amiina.